

Kipya ki ekiriwo?
Sauti za Wananchi
Leka eddoboozi lyo liwulirwe!

Akatabo kano kafulumizibwa abakozi ba Twaweza.

**Abawandiisi:** Evarist Kamwaga ne Elvis Mushi

**Ebifaananyi:** Marco Tibasima

**Abukunganya:** Rakesh Rajani, Mtemi Zombwe ne Youdi Schipper

©Hivos/Twaweza 2012

Email: info@twaweza.org

Website: www.twaweza.org

Ennyingo yonna eri mu katabo kano esobola okukoppololwa olw'ensonga ezitali za byabusuubuzi. Ky'olina okukola kwe kulaga w'osimbuliza ensonga eyo n'okuweerezako aba Twaweza kopi bbiri ez'ekiwandiiko, ebigambo byaffe mwe byeyambisiddwa.

## Omusomi waffe omulungi,

Ffenna tulina kye tusobola okwogera: ku bifo gye tubeera, ebintu ebipya mu bulamu bwaffe ne bye twagala okukyusa. Tulina amaloboozi naye ebiseera ebisinga obungi amaloboozi gaffe gawulirwa mikwano gyaffe ne'nganda zaffe zokka. Naye ate tetumanyi nti ebintu ebitutuukako birina bangi be bikolera amakaulu: bannansi bannaffe n'abakulembeze abatukiikirira.

Amaloboozi ga bannansi (Sauti Za Wananchi) bwe gawulirwa, amawulire agakwata ku bibatuuseeko gasobola okuyamba okuleetawo enkyukakyuka mu ggwanga. Mu bufunze, amaloboozi gano gasobola okuyamba mu kuzimba eggwanga n'okuleetawo enkulaakulana. Akatabo kano kakwata ku nteekateeka empya eyitibwa "Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi)" ereeteddwa era n'eteekebwa mu'nkola ekibiina ekyetongodde ekiyitibwa Twaweza. Ekyalo kyo oba ekitundu w'obeera kye kimu ku bifo 200 ebirondeddwa okubeera mu nteekateeka eno. Buli kitundu kyalondebwamu abeetabi 12 mu ngeri ya kanneemu-kannabbiri. Omulundi gumu oba ebiri buli mwezi, aba Twaweza bajja kukubira abeetabi essimu babeeko ebibuuzo bye bababuuza.

Ekigendererwa kwe kumanya embeera n'endowooza bannansi ba Uganda mwe bawangaalira. Amawulire okuva mu bitundu byonna 200 gajja kwekebejjebwa era gateekebwe mu lipoota buli mwezi. Lipoota eno ejja kubunyisibwa mu bantu bangi ddala (amannya n'ennamba z'essimu z'abeetabi bijja kukuumibwa nga bya kyama). Lipoota nazo zijja kuweebwako bannamawulire. Mu ngeri eno, abantu aba bulijjo bangi, abakulembeze, ababaka b'abantu wamu ne Pulezidenti bajja kumanya ebigenda mu maaso mu bitundu abvantu gye babeera okwetoloola eggwanga lyonna, era bajja kusobola okuwulira endowooza za bannansi.

Oluusi abakulembeze basalawo ensonga nga tebasoose kutegeera mazima gakwata ku mbeera za'bantu ba bulijjo mwe bawangaalira. Enteekateka Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannnansi), ejjo'kulaba nti ebitukwatako wamu n'eddobozi lyo biwulirwa.

# Abantu



Okello

Musigansimbi, mukulembeze wa nteekateeka ya Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi) mu kitundu



Mwami Mukiibi

Omu ku beetabi




Nandutu

Mukwanaganya wa bakozi ba Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi) mu kitundu



Mugisha

Mutuuze atakkiririza nnyo mu bya kunoonyereza



Abanoonyereza

Abanoonyereza ba Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi


Mwami Mukiibi teyazze kutwala kagaali ke...
Aah, tewabiwulidde? Alina abagenyi...
Makanika w'obugaali omulungi wano
Abagyenyi baavudde wa?


Simanyi, bato ate bazze n'ebisawo n'ebibookisi...
Kiki ekiriyo eyo? Leka tugende tulabe...
Dili!



Amaka ga Mwami Mukiibi...
Mwami, olondeddwa okwetaba mu Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi).
Weebale nnyo, naye bikwata ku ki ebyo, baana bange?


Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi) kigenderera okumanya ekituufu ekikwata ku bulamu bwa bannansi
Naye nze siri mukugu mu ebyo!
marco tibasima -12
Tekikwetaagisa kubeera mukugu. Bino bikwata ku kuwuliriza bantu ba bulijjo.


Mhh, bagenda kumbuuza biki?
Bibuuzo byangu ebikwata ku mbeera y'obulamu bwo n'endowooza yo ku nsonga eziriwo mu ggwanga.


Ani ali emabega wa bino?
Okunoonyereza kuno kuddukanyizibwa ekibiina ekyetongodde ekiyitibwa Twaweza.
Ebinaavaamu bijja kwanjulwa mu lukale naye amannya ga bantu bonna gajja kukisibwa.
Ahaa...


Ng'emboozi eneetera okuggwa
Mwami Mukiibi, tujja kukutuukirira nga tuyitira ku ssimu eno emirundi egiri wakati w'ogumu ne'biri buli mwezi.
Ooh, weebale nnyo...
Hello! Hello! Mwami Mukiibi.


Mwami Makanika, ozze n'eggye lyonna....nsanyuse okubalaba...
Yee Mzee, tunonye birabo abagenyi baffe bye batureetedde.
Va mu kusaaga naawe sseruganda, eno ensonga ekwata ku bya kunoonyereza.


Lwaki ffe tetuliimu oba musosola?
Nedda ssebo tetusosola, twawandiika olukalala lw'amaka gonna agali mu kitundu kino era ne tulondako 12 gokka mu ngeri ya kanneemu-kannabbiri.


Kati olwo lwaki mubawa essimu ez'omu ngalo?
Omulimu guno gulimu ebitundu bibiri, kino kye kitundu ekisooka eky'okubuuzibwa ebibuuzo. Oluvannyuma, tujja kukungaanya amawulire buli kiseera nga tuyitira ku ssimu.


Ku kyalo tekuli masannyalaze, essimu agenda kugiteekako atya omuliro?
Buli mwetabi agenda kuweebwa ccaagya ekozesa amaanyi g'enjuba
Aaah, kale.
Ekyo kirungi nnyo.


Olukungaana lw'abeetabi bonna...
Eeh, ennaku zino olina essimu?
Abange... ggwe tomanyi? Essimu zino baazituwa lwa kunoonyereza.
DARASA V
Simanyi Ddala...!!! naye kasta tugenda mu'lukung'aana lwa Sauti za wananchi, Tujja kukitegeera bulungi.
Nange mwendi naye nze tebaampa ssimu.


Beetabi bannange, tulina okwerondamu omuntu omu anaatukwanaganya.
Waaki nga buli muntu agenda kuyitibwa ku lulwe yekka?


Ekyo ekibuuzo kirungi! Kino kijja kutuyamba singa ggwe oba muliraanwa wo abeera tasobola kufunika ku ssimu oba ng'olina ensonga ey'amangu
...Eeeh ndaba waliyo omukono


Munsonyiwe, ndaba abeetabi abalala baweereddwa ebikola, essimu...naye nze bannerabidde.
Nina okwogera amazima, ekibinja kyo kirimu abeetabi ba bika bibiri...10 ku bo baweereddwa essimu ate ababiri ku mmwe tebaweereddwa.
Mmh...
Lwaki?


Abo ababiri bajja kutuyamba singa omu ku beetabi 10 abeera takyasobolera ddala nate kwetaba mu mulimu guno.
Ooh, bwe kityo bwe kiri..
Kale, tugende mu maaso n'okulonda.


Tetulina kwerabira nti omukulembeze oyo ajja kuva mu beetabi 10 abasooka.
Tulonde Nandutu, mulaba mutya?
Yee, ye mutuufu. Mazima ddala.


Tufuna ki bwe'twe-tabamu?
Kale, guno mukisa gwa njawulo ogw'amaloboozi gaffe okuwulirwa.
Ddala kisoboka?


Sikitegeera, gawulirwa gatya?
Sauti za Wananchi (Amaloboozi ga bannansi) kirimu abeetabi 2,000 bokka mu ggwanga. Ebirowoozo ebikungaanyizibwa bigenda kuteekebwa wamu bimanyisibwe abantu bonna nga biyisibwa mu mawulire. Eddoboozi lyo lijja kukiikirira eggwanga lyonna!


Oh, twerabidde okubuuza... Amannya gaffe gagenda kwatuukirizibwa?
Nedda, amannya gammwe gagenda kukuumibwa nga ga kyama wakati waffe nammwe.


Ddala bwe kityo bwe kiri?
Bwe wetaba mu mitendera gyonna egy'okunoonyereza kuno, tujja kukuteera eyatayimu ku ssimu yo.
Ate bw'osigaliramu ddala, ku nkomerero y'okunoonyereza, essimu eyo efuuka yiyo.


Waliwo akasendabaguzi konna ak'awamu eri ekibinja?
Singa abeetabi bonna abali mu kibinja beetabamu mu bujjuvu okumala emyezi esatu, tujja kubongera eyatatyimu omulala.


Kino kigenda kumala bbanga ki?
Kumpi emyaka ebiri.


Eri abo abagenda okujjumbira okwetabamu obutayosa mulundi gwonna, 100 ku bo bajja kufuna leediyo empya ttuku! Akazindaalo nkakuwadde.
Sijja kukkiriza mukisa guno kumpitako


Bwe tuba tulina ebibuuzo ebirala, ani gwe tutukiirira?
Osobola okukuba essimu oba okuweereza obubaka ku 0705346123 0781127486


Kale, tubaagaliza mikisa myereere.
Mwebale nnyo.


Nfunye omukisa. Mu Bannayuganda obukadde n'obukadde, eddoboozi lyange lye lijja okuwulirwa.
Tekikki-rizika.

## Goberera emitendera gino okufuna empuliziganya esingayo obulungi



- Kwata essimu yo singa babeera bakukubidde
- Funa ekifo ekisirifu w'oba oyogerera
- Funa obudde obulungi mw'osobolera okwanukula ebibuuzo
- Ggyawo oba viira ebikutabulatabula byonna
- Kwata essimu yo mu ngeri ekusobozesa okuwulira n'okuwulirwa obulungi
- Wuliriza n'obwegendereza
- Bw'oba towulidde bulungi muntu gw'oyogera naye, mugambe akuddiremu
- Buuza ebibuuzo bw'oba totegedde bulungi
- Yogera mu ddobozi essaamusaamu.



## Okukakasa nti essimu eriko omuliro ogumala

- Tonyigaanyiga ssimu kugiteekako na kugiggyako buli kiseera
- Toteeka ssimu yo mu ddoboozi lya kujugumira
- Kendeeza ekitangaala ku lutimbe lw'essimu yo
- Bw'oba owuliriza leediyo kozesa obw'omu matu mu kifo ky'emizindaalo gy'essimu
- Tokozesa nnyo tooci.